# Amafuta nga galinnye ebbeeyi mu kiseera kino kikyetaagisa okugassaako omusolo mu bajeti?

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa *Bukedde*. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.



Emmotoka nga zisimbye okufuna amafuta ku ssundiro. Ku olwo gaali gabuze.

**Mu kiseera kino ng'amafuta galinnye ebbeeyi, nga URA mulowooza nti, kikyetaagisa okwongerako omusolo gwe mwateeka mu bajeti etandika mu July w'omwaka guno?**

URA essisa mu nkola amateeka g'omusolo agaba gayisiddwa mu lukiiKo lw'eggwanga olukulu. Noolwekyo, bwe kinaaba kiteereddwa mu nnongooseręza ezikoleddwa ku mateeka g'omusolo mu mwaka omuggya, kya kussibwa mu nkola.

**Ensako z'abakulembeze ba Gavumenti ez'ebitundu lwaki muziggyako omusolo ng'omusaala gw'ababaka ba Palamenti abafuna ennyingi temubaggyako?**

Omuntu yenna abeera n'ennyingiza etaaweebwa buweerero bwa musolo, ennyingiza eyo eggyibwako omusolo, muno nga mw'otwalidde n'abakulembeze ba Gavumenti ez'ebitundu. Jjukira nti, omusaala gw'ababaka ba Palamenti nagwo guggyibwako omusolo. Noolwekyo, etteeka kye lirambika kye kissibwa mu nkola, okuggyako nga waliwo enkyukakyuka ekoleddwa.

**Nga URA eky'okugoba abatundira ku nguudo, tekibakosa ku nnyingiza y'ekitongole kuba Container nnyingi ezaagobeddwa zibadde zisasula omusolo?**

Nga URA tukubiriza nnyo buli muntu atandika bizinensi okugiwandiisa mu mateeka oluvannyuma ewandiisibwe ku musolo eweebwe TIN. Enteekateeka ya Trade Order egendererwamu okulambika abantu bakolere mu bifo ebikkirizibwa mu mateeka. Okuyita mu nkola eno, abasuubuzi abo ba kwewandiisa ku musolo ekintu ekisuubirwa okwongera ku musolo ogukung'aanyizibwa mu ggwanga.

**Singa nkizuula nga bakama bange bantemako ssente za NSSF buli mwezi kyokka nga tebaziweereza, muyinza kunnyamba mutya okutuuka?**

Kya tteeka buli mukozi asasulwa omusaala (okuggyako abakozi ba Gavumenti), okutoolebwako ebitundu 5 ku 100 (5%) olwo omukozesa n'ayongerako ebitundu 10 ku 100 (10%). Atatuukiriza kino avunaanibwa. Nga URA, obuvunaanyizibwa bwaffe bwa kukung'aanya musolo. Kyokka bw'oba n'okwemulugunya okufaanana bwe kuti, nkusaba weekubire enduulu mu kitongole kya NSSF ku nnamba 0800286773, ojja kuyambibwa.

**Ekitongole kya URA kyatandika ddi era kirina buvunaanyizibwa bwa ki obulala ng'oggyeeko okukung'aanya emisolo?**

Ekitongole kya URA kyatandika nga September 5, 1991 okuyita mu tteeka eryayisibwa mu Palamenti. Obuvunaanyizibwa bw'ekitongole kino kwe kugereka, okukung'aanya n'okukola embalirira kw'ogwo oguba gukung'aanyiziddwa. Ng'oggyeeko obuvunaanyizibwa obwo, ekitongole kiwabula ne minisitule y'ebyensimbi ku nsonga z'omusolo ez'enjawulo, okusomesa Bannayuganda ku buli kikwatagana ku musolo, n'okuyambako amatendekero okukungaanya ebisale by'essomero.

## Bantu ki abatalina kusasula misolo?

BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

**Ng'oggyeeko abaserikale ba UPDF ne Poliisi, waliwo ekika ky'abantu abalala abatakakatibwako kusasula musolo gwa nnyingiza ogwa Income tax?**

Yee. Waliwo abantu abalala abataggyibwako musolo ku musaala ogubasasulwa, nga be bano wammanga :

- Abakozi abasasulwa omusaala ogutasukka 235,000/- omwezi.
- Abakozi mu bitongole okuli ekikettera munda n'ebweru w'eggwanga, ab'amakomera, abakola mu ofiisi ya Ssaabawaabi wa gavumenti (DPP).
- Omuntu alina bizinensi entonotono nga tesussa ttunzi lya bukadde 10 omwaka.

Kyokka, singa omuntu yenna agwa mu ttuluba eryo waggulu akola bizinensi wabweru w'omulimu gwe, ateekeddwa okussaamu ennyanjula oba litaani y'omwaka, oluvannyuma n'asasula omusolo.

**Lubowa Christopher : Njawulo ki eri wakati wa VAT ne EFRIS kuba byonna birabika ng'ebifaanagana.**

Mwami Lubowa, VAT musolo oguwoozebwa okuva ku byamaguzi oba obuweereza ebyassibwako omusolo ogwo. Omusolo guno guggyibwa ku buli mutendera omuwendo lwe gwongerwa ku kitundibwa. Omuntu yenna awandiisibwa ku musolo gwa VAT bw'aba ng'akola ettunzi erisukka ensimbi obukadde 150 buli mwaka, ng'atunda ebyamaguzi omusolo guno kwe gwassibwa.

Kyokka enkola ya EFRIS mu bujjuvu ye Electronic Fiscal Receipting and Invoicing Solution ng'eno nkola mpya eyitibwamu okugaba lisiiti ne invoice ez'okumutimbagano (e-receipt ne e-invoice). Noolwekyo, VAT musolo oguwoozebwa nga bwe kirambikiddwa waggulu, ate EFRIS nkola erondoola engeri omusolo ogwo gye guwoozebwamu.

## Lwaki Gavt. teyeebuuza ng'ereeta emisolo emipya?

**Lwaki Gavumenti bw'eba ereeta emisolo emipya tetwebuuzaako nga ffe abawi b'omusolo kuba olubeerera tuwulira bamaze kugireeta?**

Gavumenti etera okukola enteekateeka y'okwebuuza ku Bannayuganda bwe wabaawo ennongoosereza ku musolo. Nkusaba ojjumbirenga enteekateeka zino buli kirango bwe kiyisibwa.

**Aba URA lwaki temuwabula Gavumenti ku tteeka lya Sovereignty Bill temulaba nga ligenda kubafiiriza emisolo gye mwandifunye ku ssente eziyingira mu ggwanga nga tekuli kkomo?**

Ekitongole kya URA kivunaanyizibwa ku kugereka, okukung'aanya n'okulaga omusolo ogukung'aanyiziddwa ne guweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga (Consolidated Fund).

Kuno kugattibwako n'okuwabula gavumenti ku mateeka agakwatagana n'omusolo. Etteeka ery'obwetengereze bw'eggwanga eryaleetebwa era ne liyisibwa mu lukiiko lw'eggwanga olukulu lyafuna okuwabulwa okuva ku njuyi ez'enjawulo okuli ababaka, akulira bbanka ya Uganda enkulu, ebitongole by'obwannakyewa n'abantu abalala.